THE LIGHT CONSORTIUM

TELI KULEKA MUNTU YENNA MABEGA: OKUKYUSA ENGERI OBUTONDE GY'EBUVIRAKO ENGERI OMUNTU GYAYISIBWAMU MU BY'OBULAMU BY'OBULWADDE BW'AKAFUBA





# EBISOMOOZA, OBUSAASIZI, N'OBUSOBOOZI BW'ABAKAWONAWO B'OBULWADDE BW'AKAFUBA: OKUNONYEREZA OKUYITA MU MBOOZI YE'BIFAANANYI

KAMPALA NE LUGAZI MU UGANDA

THE LIGHT CONSORTIUM

**Akafuba kabulabe nnyo eri eby'obulamu okwetoloola ensi yonna era mu mwaka gwa 2023 kaakosa abantu abasoba mu bukadde kumi n'emitwalo kinaana* mu nsi yonna. Abantu abali mu mbeera y'obwavu n'abo abasosolebwa bebamu kwabo abakosebwa ennyo obulwadde buno. Akafuba bulwadde obusigibwa era kaleetebwa obuwuka bwa bakitiriya, obutera okukosa amawuggwe. Katta abantu abakumikirizza mu kakadde kamu n'emitwalo abiri mwetano* mu nsi yonna buli mwaka. Wadde akafuba kasobola okukosa omuntu yenna, kasinga kukosa abantu ababeera mu mawanga ga Afirika agali mu maserengeta g'eddungu lya Sahara, nga abalina akafuba bali obukadde bubiri n'emitwalo ataano mw'etaano.* Era bwiino alaga nti abantu emitwalo anna* bebafa obulwadde obwekwaniriza ku ndwadde y'akafuba, buli mwaka.**

**Alipoota y'ekitongole ky'ebyobulamu eky'ensi yonna eya 2024*

*(The footnote reads: *Alipoota y'ekitongole ky'ebyobulamu eky'ensi yonna eya 2024)*


# AKAFUBA MU UGANDA

Uganda y'emu ku mawanga amakumi asatu agalondebwamu ekitongole ky'ebyobulamu eky'ensi yonna agakalubizibwa ennyo obulwadde bw'akafuba. Mu Mwaka 2023, abantu abasoba mu bibiri nkaaga baafuna obulwadde bw'akafuba buli lunaku era abantu abateberezebwa okuwera abiiri mu musanvu baafa obulwadde bw'akafuba buli lunaku. Okufaanana n'abali mu nsi endala, abaasinga okufuna obulwadde bw'akafuba mu Uganda baali basajja (65 ku buli 100), n'ebagobererwa abakazi (22 ku buli 100) n'abaana (13 ku buli 100).* Okwetoloola eggwanga, ku bantu kumi abalina akafuba mwenda baafuna obujjanjabi mu 2023 era abasinga (91 ku buli 100) baamalayo bulungi obujjanjabi obwabaweebwa.** Newankubadde ebyo bitukiddwako, akafuba kasigala nga bulwadde obusangibwa ennyo - naddala mu basajja.*

Buli mwaka, enkumi n'enkumi z'abantu bamalayo obujjanjabi era n'ebakakasibwa nti bawonye. Wabula ba kawonawo b'akafuba bano tebatera kwettanirwa mu nteekateeka z'akafuba eza Uganda, newankubadde amagezi gawereddwa okwetoloola ensi yonna okuyingizamu abantu abakoseddwa akafuba mu nteekateeka zino.


Okunonyereza kuno okukoleddwa ebitongole eby'omukago mu pulojekiti ya LIGHT: aba MLI ne LSTM, baakozesa ebifananyi okunyumya emboozi, okwongera okutegeera engeri b'akawonawo b'akafuba abasajja n'abakazi ababeera mu bibuga wakati mu Uganda bwebayinza okuyingizibwa mu nteekateeka z'akafuba mu ngeri ewa amakulu okuyita mu kutegeera byebayitamu oba bwebandyagadde okwetabamu.


** Alipoota y'ekitongole ky'ebyobulamu eky'ensi yonna ku kafuba 2024*
*** Alipoota y'omwaka eya Uganda National Tuberculosis & Leprosy Programme 2023/24*










**Akatabo kano kamu ku butabo obuna (4) obukokddwa, nga bwonna buva mu kunonyereza okwetabiddwamu abantu abakwatibwako endwadde ya akafuba. Okunoonyereza kwakolebwa ab'omukago LIGHT gwa pulojekiti ya LIGHT mu Nigeria, Kenya, Malawi ne Uganda.**

LIGHT pulogulamu y'amyaka mukaaga ey'okunonyereza ku by'obulamu ebikosa ensi yonna, era ng'etekeddwamu ensimbi ekitongole kya Gavumenti ya Bungereza ekikola ku buyambi (UK Aid), ng'ekulembeddwamu Liverpool School of Tropical Medicine ng'ekolela wamu n'ab'omukago mu Kenya, Malawi, Nigeria, Uganda, ne Bungereza. Abo'mukago mu nsi zino be ba African Institute for Development Policy (AFIDEP), Malawi Liverpool Wellcome Programme (MLW), Makerere University Lung Institute (MLI), Respiratory Society of Kenya (ReSok), Zankli Research Centre (ZRC), London School of Hygiene & Tropical Medicine, ne Liverpool School of Tropical Medicine (LSTM).

# EBIFO, ABANTU N'EMITENDERA

## EBIFO



Okunonyereza kuno kwakolebwa okukolaganira wamu n'amalwaliro abiri okuli Kawolo ne Naguru mu massekati ga Uganda. Eddwaliro lye Kawolo lisangibwa Lugazi, kilo mita ana (40 km) ebuvanjuba bwa Kampala ku kkubo eddene eliva e Kenya okudda e Uganda, era ekifo kino kirimu abantu abateeberezebwa okuba mu mitwalo kumi n'agumu ne nkumi ttano (115,000). Eddwaliro lye Naguru liri mu Kampala mu ggombolola y'e Nakawa nga mulimu abantu abateeberezebwa okuba nga basoba mu mitwalo asatu mugumu ne nkumi ttano (315,000).

## ABANTU

Bakawonawo b'akafuba kumi n'abataano (15) b'ebetaaba mu kunonyereza kuno, abasajja munaana (8) n'abakazi musanvu (7) nga bali wakati w'emyaka abiri mu mukaaga (26) ne nkaaga mwena (64). Bakawonawo b'akafuba munaana (8) bafuunira obujjanjabi ku ddwaliro lye Naguru ate omusanvu (7) ku ddwaliro lye Kawolo. Bonna baakakasibwa nti baawona wakati w'omwezi gw'okubiri mu 2022 n'ogwomunaana mu 2024. Mu betaaba mu kunoonyereza, tewali y'alina kakwate nga ayambako ku mirimu mu kiliniki z'akafuba. Ojja kumanya ebifa ku betaaba mu kunoonyereza mu mpapula eziddako wamanga.

## OMITENDERA

Okunyumya emboozi nga tuyita mu bifaananyi nkola ya kunoonyereza erimu okuyiiya n'okukolera awamu n'ebekikakatako. Eyongera mu manyi abantu okuteeka obulamu bwabwe obwa bulijjo mu buwandiike n'endowooza yabwe nga bayita mu bifaananyi. Nga eyita mu bintu ebirabika ku maaso, enkola y'okunyumya emboozi nga tuyita mu bifaananyi ereetawo entegeeragana n'okusasiira, ewanirira okuteesa era esobola okuvaako ebikolebwa ebyamakulu. Mu kunonyereza kuno, b'akawonawo b'akafuba bateekamu amanyi nga abamu ku banoonyereza era nga banoonyerezebwako.

*Ekifananyi: Lugazi. Eyakuba ekifananyi: Kawonawo w'akafuba asooka e Kawolo*

# EMITENDERA EGYAGOBERERWA MU KUNOONYEREZA KW'OKUNYUMYA EMBOOZI EYITA MU BIFAANANYI

1. Ebitongole by'obwanakyewa ebigatta b'akawonawo b'akafuba n'ebekikakatako b'ebuzibwako nga omulimu guno tegunatandika

2. Emitendera egigobererwa mu kunoonyereza gyakolebwa era n'egyikkirizibwa

3. Tiimu eyakola okunoonyereza yatendekebwa, omuli abanoonyereza abakugu, b'akawonawo b'akafuba n'abasawo

4. Bakawonawo b'akafuba ab'okwetaba mu kunoonyereza balondebwa era ne bakkiriza okwetabamu oluvannyuma lw'okunnyonyolebwa ebikwata ku kunoonyereza

5. Abetaaba mu kunoonyereza baatendekebwa mu kukuba ebifaananyi, okukuuma empisa n'amateeka

THE LIGHT CONSORTIUM

6. Abetaaba mu kunoonyereza baakuba ebifaananyi okumala wiiki bbiri

7. Abetaaba mu kunoonyereza baasunsulamu ebifaananyi bye baali baagala okukozesa, mu ebyo ebingi bye baali bakubye, era n'ebannyonyola ebifaananyi byabwe eri abalala

8. Abeetaba mu kunoonyereza baakunganya ebifaananyi byabwe bye baasunsulamu n'ebabigatta wammu nebabisengeka mu bubaka obwabirimu

9. Abanoonyereza bakyuusa amaloboozi agakwatibwanga ku katambi mu nkiiko z'okuteesa ku bifaananyi, nebagazza mu buwandiike era abeetaba mu kunoonyereza nebakakasa ebyawandikibwa ku bifaananyi

10. Abanoonyereza bekaannya obubaka obwakunganyizibwa era nebafulumya akatabo

11. Enkungana ennene zakolebwa ne bekikakatako okwolesa ebifaananyi ebyakubibwa okunyumya emboozi, era n'okukiriziganya ku byetagisa okukolebwa

*Bijjiddwa okuva mu biwandiiko bya Caroline C. Wang (1999), Camille A. Sutton-Brown (2014), ne Sara Ronzi ne bakolagana nabo (2019)*

THE LIGHT CONSORTIUM

# ABAKUBI B'EBIFAANANYI

# ABETAABA MU KUNOONYEREZA KW'OKUNYUMYA EMBOOZI EKOZESA EBIFANANYI NGA BAAFUNIRA OBUJJANJABI BW'AKAFUBA KU DDWALIRO LYE KAWOLO



**Kawonawo w'akafuba Namba 1:** *"Nina emyaka abiri mu mukaaga (26) era mbeera Kitega. Newankubadde omulimu gwange kusiiga langi, ndi na muyimbi eyefulumiza enyimba ze. Nafulumya oluyimba olukwata ku kafuba mu 2023. Mu kunoonyereza kuno, nakuba ebifaananyi bingi okulaga obwetaavu n'ebiyinza okukolebwa b'akawonawo b'akafuba okwongera okumanyisa abantu akafuba."*



**Kawonawo w'akafuba Namba 2:** *"Ndi mukyala musubuuzi okuva e Nammengo era nina emyaka ataano mw'ebiri (52). Newankubadde nkyakalubizibwa okutegeera bwenafuna akafuba, nayisibwa bubi era saagala balala kukiyitamu. N'olwekyo nfuba okulaba nti abantu abalina ekifuba ekitawona bafuna obujjanjabi."*



**Kawonawo w'akafuba Namba 3:** *"Nvuga boda e Kikate. Nina emyaka ataano mugumu (51) era nina famile nene ey'okulabirira. Olw'eddagala, nawonera ddala akafuba naye saagala kuddamu kukalwala. Nga omuvuzi wa boda, nyamba okutwala abantu ku ddwaliro nga balwadde."*



**Kawonawo w'akafuba Namba 4:** *"Ndi mukazi ow'emyaka asatu mu musanvu (37) era ndi musubuuzi okuva e Nakazadde nga ntunda mudaala gwa nnyanya okwebeezawo. Okujjako abaana abange, ndabirira abaana b'amuganda wange eyafa akafuba. Kikyanuma nnyo era y'ensonga lwaki manyisa abakazi ku kafuba nga nkozesa emboozi yange nga eyalwalako akafuba."*



**Kawonawo w'akafuba Namba 5:** *"Nina emyaka abiri mu musanvu (27) era mbeera nzekka e Kitega. Nzirukanya bizinesi ey'okutunda ebyamasanyalaze e Lugazi. Newankubadde nawonera ddala akafuba, neralikirira okuddamu okukalwala okuva mu bifo eby'olukale omuli abantu abatamanyi ngeri y'akukololamu nnungi."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 6:** *"Nina abaana basatu era nina emyaka asatu mu mwenda (39) nga nkola mu fakitole. Okukkiriza kwange kunfula ow'omugaso era neebaza Katonda kubanga kizibu okuwona akafuba. Nafumitirizanga nnyo mu kuwandiika ebirowoozo byange nga sinakuba bifaananyi. Tulina okwekkiririzamu nga bakawonawo b'akafuba era tulage abalala omukwano."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 7:** *"Ndi wa myaka nkaaga mwena (64) era nina abaana bana. Amaka gange gali Katungulu naye ebiseera ebisinga nkola ng'omupakasi mu nnimiro mu bifo ebirala. Nava wala okujja okwetaba mu kunoonyereza kuno. Naye nti mumativu kubanga kinyambye okulabibwa nga omuntu ayambako okulwanyisa akafuba ku kyalo kyange."*

## ABEETABA MU KUNONYEREZA KW'OKUNYUMYA EMBOOZI EYITA MU BIFAANANYI ABAAFUNIRA OBUJJANJABI BW'AKAFUBA E NAGURU

**Kawonawo w'akafuba Namba 1:** *"Ndi taata w'abaana bataano, era nina emyaka ana mu mukaaga (46), nga nva Kibuli. Nga makanika, nali nsiiga emmotoka langi era nzikiriza akafuba nakafunira mu bbala. Bwenazulibwa nti nina akafuba, mukama wange yampa omulimu gw'okulabiriza abalala engeri gy'enali sikyasobola kusiiga. Nalekera awo okunywa omwenge era nkubiriza n'ebanange n'abomulirano okukola nga nze."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 2:** *"Mbeera n'ebaze n'abaana bana e Kamwokya. Nina emyaka abiri mu musanvu era ndi mutendeke mu kusiba enviri naye ssente nzijja mu kutunda mazzi. Nasosolebwa nga nfuna obujjanjabi bw'akafuba era nsuubira twandibabbe ne kampeyini z'akafuba eziwerako ku ttivi okukendeeza ku kusosolebwa n'okwewala entiisa gy'enayitamu."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 3:** *"Mbeera n'abomumaka gange e Kitintale era nga nzirukanya saluni esala enviiri mu kibuga. Nalina emyaka asatu mwena (34) w'enalwalira era n'asaba n'ensiiba okutuusa bwenazuula nti obulwadde bwange tebwali bw'amwoyo naye bwali bwetaagisa omusawo omukugu. Akafuba kayinza okuba omukisa oguva mu mbeera embi gyenayitamu kubanga kati nsobola okukuuma n'okusomesa ab'okukyalo."*



**Kawonawo w'akafuba Namba 4:** *"Nina emyaka ana mugumu (41), n'abaana babiri era nga mbeera Banda. Okuwona akafuba kindeetera okuwulira nga awereddwa omukisa ogw'okubiri mu bulamu bwensi. Nava mu kukuba amayinja n'entandiikawo omudaala ogutunda emmere n'okutunda obukyupa bwenonda okusobola okwebezaawo. N'enyumiriza mu kuyamba ekkanisa yange okugyikuuma nga nnyonjo, nga alungamya abantu."*



**Kawonawo w'akafuba Namba 5:** *"Nina emyaka ana mwetaano (45) nga mbeera Kasokoso. Nga sinalwala kafuba, nali nkola ku pulojekiti z'okuzimba ennene. Newankubadde sisobola kusitula bizito nga bwenali, nina okusigala nga nkola omulimu guno okusobola okwebeezawo n'abaana bange omukaaga. Njagala nnyo okwogera ku lw'abalala ku kyalo kyange."*



**Kawonawo w'akafuba Namba 6:** *"Ndi munakatemba era nina emyaka abiri mu munaana (28), nva Kabalagala. Akafuba kaatataganya emirimu gyange. Sikyasobola kuyimba oba okuzina nga bwenali. Nyumirwa nnyo okukuba ebivuga era nsomesa amazina mu masomero. Nga kawonawo w'akafuba, nyambako abasawo b'okukyalo mu kampeyini z'ebyobulamu mu bifo ebininanye."*



**Kawonawo w'akafuba Namba 7:** *"Nina emyaka asatu mwena (34) nga mbeera n'abomumaka gange e Kamwokya. Nali nfuna ensimbi okuva mu kwoleza abantu engoye naye sikyasobola kukola mulimu guno. Nakuba ebifaananyi okulaga engeri obwavu gy'ebutuleetera okubeera mu bifo ebikyafu ekikosa obulamu bwaffe nga bakawonawo b'akafuba."*



**Kawonawo w'akafuba Namba 8:** *"Ndi mukyala mukozi nnyo ng'anina emyaka ataano mu munaana (58), era nina abaana mukaaga. Naleka omulimu gwange ogw'okukuba amayinja engeri gy'enanafuwa era nga sikyasobola kujjamu nsimbi nyingi. Kati mbeera Gayaza ebweru wa Kampala n'emuzzukulu wange nga tubeerawo ku kulima mmere y'awaka. Obulamu buzibu era mpulira obulumi obungi n'okutawanyizibwa ebirowoozo."*

THE LIGHT CONSORTIUM

# TWALWALA, N'ETUFUNA OBUJJANJABI ERA N'ETUWONA NAYE TETWASIGALA KYE KIMU

Akafuba kaaleka enkonvu ku mawuggwe n'obulamu bwa bantu abaali bakalwaddeko n'ebawona. Emboozi okuyita mu bifananyi by'alaaga okumanya n'okutya kwabwe nti bayinza obutaddamu kuba ky'ekimu. Abalwalako akafuba n'ebawona e Naguru bayogera ku bibasoomoza ng'abantu awatali kutya, okusinga ab'eKawolo, omuli **ebikwatagana n'omubiri, enewulira, n'ebibasoomoza nga bakola emirimu gyabwe**. Okukalubizibwa mu kussa, obunafu mu mubiri, n'obutaba n'amaanyi, ekibaleteera okuwulira nga abalema, byayogerwako nnyo. Ebikosa omubiri by'alemesa abakyala okukola obulungi emirimu gyabwe egy'awaka era n'ebikosa ebikolebwa abakyala n'abami okusobola okwebeezawo mu ngeri y'emu. Abakyala abamu bakakibwa **okuleka emirimu egy'etaaga okukozesa amaanyi amangi ag'omubiri** nga okukuba amayinja n'okwoza engoye ate abasajja **n'ebakendeeza ku bunene/ obuzito bw'emirimu** okusigala nga bafuna ensimbi ezibabezaawo.

Engeri endwadde yakafuba gyekosaamu ebirowoozo, yekuusa kukikula ky'omuntu. Obutayagala kulya, okusosolebwa, n'okusuulibwa ebbali nga bafuna obujjanjabi bw'akafuba ky'aleteera abakazi okwebuuza ekibaliko n'okwekyawa. Bangi **baawulira bubi nnyo** okufiirwa emirimu gyabwe, okugabirirwa abalala, n'okwegayirira okuyambibwa. Abasajja bbo tebaali bamativu olw'engeri akafuba gy'ekakosaamu emirimu gyabwe. **Okutya okuddamu okukwatibwa obulwadde** kyayogerwako abakazi n'abasajja bonna e Kawolo.

Okutwaliza awamu, abasajja baalaga nti balina essuubi okusinga abakazi. Abasajja baayogera ku busobozi bw'obujjanjabi okuviirako **okuwonera ddala** era n'ebakulembeza emigaso gy'endya ennungi. Abakazi baakubiriza bannabwe abaali balwaddeko akafuba okwelabira eby'emabega era banoonye ebirala eby'okukola okujjamu essente.



*"Guno muti gwa ovakedo. Gulabika nga ogutalina bukosefu, naye gwaliibwa akanzironziro. Singa tegukolebwako, akawuka kano kayinza okukosa ennyo omuti guno oba okugulya gwonna. Osobola okukajjamu mangu, omuti n'egubala ebibala ebirungi naye tegukula nga bwe gutekeddwa. Yeggwe muti guno. Akanzironziro kye kirwadde ky'akafuba."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 6, Mukazi, Kawolo**



*"Bwenali sinalwala, nali nkola ku bizimbe ebinene nga zi kalina nga nsitula obusawo bwa sseminti obuzito. Nawona n'enzirayo ku mulimu naye amaanyi gaagenda gakendera era sikyasobola kusitula bizito. Nina munnange yakamalayo eddagala ly'akafuba. Bwetufuna emirimu, tukola fenna. Munnange agamba gyendi gyadda kubanga azuukuka nga omubiri gumuluma era ng'akalubizibwa mu kussa. Ffe bakawonawo b'obulwadde bw'akafuba tusigaza obulemu. Ofuna obujjanjabi n'owona naye osigala nga tokyasobola kukola mirimu gyo gy'abulijjo. Tuyambiddwa tutya okuddawo nga bwetwali?"*

**Kawonawo w'akafuba Namba 5, Musajja, Naguru**



*"Bwenkuma omuliro mu ffumbiro lino, omukka gumpisa bubi nnyo. Olumu nfuluma ebweru nga mazze okugukuma. Ebiseera ebimu enku tezaaka, n'ensigala mu mukka. Nziyira, mbalagalwa, nkalubirizibwa mu kussa n'empulira nga njagala kwabika. Omukka gutukosa amawuggwe. Tusigala nga tetulina mirembe."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 8, Mukazi, Naguru**



*"Omulimu gw'enali nkola okufuna ssente nga sinalwala bulwadde bwa kafuba kwali kwoza ngoye z'abalala nga mwenfuna sente. Bwe nalwala, n'embivaako nga sikyalina maanyi gakola mirimu bw'egityo. Okulwala akafuba kutataganya eby'enfuna."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 7, Mukazi, Naguru**

*"Luli nali nkuba wakati w'ebidomola by'amayinja amakumi assatu ku ana olunaku, naye kino sikyasobola kukikola. Webuuza lwaki ntawana nga amayinja g'enkuba tegasobola wadde okujjuza ebidomola ekkumi. Sifunamu ssente nyingi. Mu bidomola omunaana, nzijamu siringisi enkumi bbiri. Omuntu anyambako okupima muwayo ebitaano, n'enzirayo awaka n'esiringisi lukumi mu bitaano. Naye nga nafuye, era nga mpeddemu sirinamu yadde amaanyi agasitula ekikopo. Ne ntandika okwebuuza ky'embadde nkola olunaku lwonna."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 8, Mukazi, Naguru**





*"Nakuba ekifananyi kino okulaga obulamu bwenayitamu nga nina obulwadde bw'akafuba. Bwenatandika eddagala ly'akafuba, nali ndya nga ensolo emyezi essatu egyasooka. Nali ndya emirundi nga munaana olunaku. Bwenabanga sirina ky'endidde okuwera ssawa nnya ez'okumakya, nga nkosebwa nnyo. Kino ky'andeka n'ebuuza kiki ekyandiko."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 2, Mukazi, Naguru**




*"Bwenali omulwadde, n'asindikibwa ku woodi mu ddwaliro nga mujudde abantu nga bwolaba mu kifananyi kino. Omusawo bw'eyagamba nti ndi mulwadde w'akafuba, abantu n'ebadduka ebweru nga bwe b'anjogerera ebigambo. Abantu bwebamanya nti oli mulwadde w'akafuba balowooza ogenda kubattirawo. Nawulira bubi, n'enkaaba era nentandika okwekyawa."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 2, Mukazi, Naguru**

*"Okutunga engoye kintu kikulu mu bulamu bwange. Bwenali sinalwala, nalina obwangu. Nali ntungira olugoye mu ssawa bbiri naye kati kintwalira ennaku. Nayiga okukozesa ekyalani okukendeeza ku mulimu naye kikozesa amaanyi g'egamu ebbanga lyonna, ate tekijjayo bulungi lugoye nga bwe ndwagala. Bwemba nkozesa engalo zange, nsobola okugera amaanyi geninna okukozesa era ddi, naye kitwala obudde. Ninga ali mubusibe sikyasobola kunyumirwa ky'enjagala kukola."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 6, Musajja, Naguru**





*"Njagala nnyo okukola; okuva ku ntobo y'omutima gwange. Naye ngenda okumaliriza okutema ekikata kimu nga nkooye sikyasobola kutema kya kubiri. Mbeera n'emuzzukulu wange asobola okukola okunsinga okusinziira embeera gy'endimu, naye tagezaako kati nina okumwegayirira. Nina ennaku nyingi ku mutima nga nzijukira bwenali nekolera emirimu gyange kati n'egayirira okuyambibwa. Kimmenya omutima. Okwegayirira okuyambibwa ebintu by'etwali tusobola okwekolera kitumalamu nnyo amaanyi."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 8, Mukazi, Naguru**



*"Bwoba olambula olusuku lwo, osobola okusangamu ekitooke ekirwadde, n'okijjamu okuziyiza obulwadde okusasaana. Tugenda mu bifo eby'olukale naye tetusobola kwawula wakati w'abantu abalwadde n'abalamu. Ntya okusemberera abantu abaasimula, era bw'empulira akolola mbeera nga nze akolola."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 6, Mukazi, Kawolo**




*"Twalwala n'etutandika okukozesa eddagala lino elimyufu. Linsomooza okumira, ffena litusomooza. Tukeera buli ku makya okulwanirira obulamu bwaffe okutuusa enkomerero. Ffena tusobola okukwatibwa obulwadde buno, naye eddagala eriziyiza ly'andisobola okutuwa obukuumi n'okutuyamba okwetaba n'abalala awatali kwelarikirira."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 3, Musajja, Kawolo**



*"Twefananyiriza omuti guno. Obulwadde bw'aguzimbako, naye bwataliza ekitundu kya wakati. Obulwadde bw'akafuba w'ebutyo. Butuzingako naye eddagala likola. Omuti guno gusigala gukula naye nga gulina ekirwadde. Amatabi n'ewebagatema gusigala gukula. Bwetufuna akafuba n'etujjanjabibwa, tuwona bulungi. N'ewankubadde tusigaza enkovu, tusigala tuli balamu era nga tugenda mu maaso."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 3, Musajja, Kawolo**

*"Olaba ennyaanya, akatungulu ne katungulu chumu. Nze bwenali omulwadde, nasigaza amaanyi kubanga nali nga mbirya. N'ebwenatandika okufuna obujjanjabi nasigala mbirya kubanga nakizuula nti ddagala, ekyandeetera okusigala nga nina amaanyi era nga ntambula. Twetaaga ebiriisa ebiri mu bintu bino nga vitamini. Ebiseera ebimu bibeera by'abbeyi naye tusobola okuyiiya engeri endala ey'okukendeezamu ebbeyi nga tweyambisa ebikoola by'ebitungulu. Nze mbirima mu kalimiro kange."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 6, Musajja, Naguru**





*"Guno gw'emulimu gwe naddamu nga nvudde mu kukuba amayinja. Oli bwajja okugula ekifi ky'enkoko, batera okusaba babagatirekko ennyanya, obutungulu n'ekyipusi. Mu kusooka nali nkuba mayinja naye bw'enalaba engeri gy'egankosaamu, n'enfumitrizaamu okuddayo. Omanyi abantu abamu basiba obulamu bwabwe bwonna awantu wamu naye nga singa baba bavuddewo, bazuula eby'okukola ebirala. Nkubiriza bannange abalala abalwaala obulwadde bw'akafuba n'ebawona okunoonya ebirala eby'okukola nga batandika n'akatono k'ebalina."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 4, Mukazi, Naguru**

THE LIGHT CONSORTIUM

# TETWAGALA BALALA KUYITA MU KYE TWAYITAMU

Abalwalako obulwadde bw'akafuba n'ebawona baatya nti obulwadde buyinza okusasaana amangu mu bitundu byabwe olw'embeera eriwo n'enkola y'ebintu. Abasajja abamu bayoogera ku **mize egy'obulabe** omuli okukolola nagalaale, n'okulya ebisolo ebirwadde e Kawolo, n'okukozesa omwenge ne ttaba mu basajja enjuyi zonna n'abamu ku bakyala e Naguru.

Abalwaala akafuba n'ebawona baalaba **ebisomooza ebiri mu ngeri ebintu gy'ebikolebwamu** mu bitundu nga ebitiisa eby'amaanyi ddala. Abakyala baalabula abalala ku bulabe obw'amanyi obuli mu **mukka** oguva mu kufumba n'okwokya ebisaaniko awamu **n'amazzi agayononeddwa** agava mu myala, agasaze n'amafumbiro agaliranye engundo. Abasajja beralikirira omujjuzo n'ebifo eby'olukale ebitayisa mpewo bulungi. **Enyumba ezitatuka ku mutindo, engendo empanvu n'essente enyingi ez'etagisa okutuuka ku ddwaliro** nabyo byayogerwako nnyo. Olw'obwavu, embeera nga eyo yakosa obulamu bw'abantu abaalwala akafuba n'ebawona era n'ebileetera obulwadde bw'akafuba okukula.

Abaalwala akafuba n'ebawona e Naguru baalaba engeri abalwadde b'akafuba abalala **gy'ebasosolebwamu** mu bitundu byabwe, n'ebalekebwa okwefaako bokka awatali kuwanirirwa. Ate nga okusinziira ku kyebayitamu, bategeera obwetavu **bw'abantu okweyambanga** okusobola okuziyiza obulwadde bw'akafuba okusasaana n'okwongera okugonza mu bujjanjabi.



*"Batugamba nti okulya ebisolo ebifudde ky'abulabe. Endiga eno yali ndwadde. Bweyafa, oli n'agisala n'agirya n'abalala. Okugirya ng'efudde kiyinza okuviiramu obuzibu kubanga tomanyi kyagisse. Bakawonawo b'akafuba balina okwegendereza ennyo."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 7, Musajja, Kawolo**

*"Waliwo eyali ayagala okugula ssekkokko eno nga tamanyi nti ndwadde. Yafa oluvannyuma lwennaku ssatu. Simanyi kyeyali elwadde. Nandifunye obulwadde n'embusasanya mu balala okuyita mu kugabanako nabo enyama. Omuntu eyali alwaddeko obulwadde bw'akafuba nawona akwatibwa mangu endwadde singa alya ekinyonyi nga kino."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 7, Musajja, Kawolo**





*"Akayumba akatunudde eludda luli kalinga ssabo. Abakazi bangi abaweera amakumi abiiri bakungana omwo okufuuwa emindi n'okunywa obucupa bwabwe obwa waragi. Nsuubira bwebakungana omwo, tebakola bukozi wabula bakunganya ndwadde. Ndowooza beetaaga okusomesebwa engeri y'okuziyizaamu embeera ng'eyo."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 5, Musajja, Naguru**



*"Buli muntu alina engeri gy'atambuzaamu obulamu bwe eyawukanako n'eyabalala era ne gyenvudde we ow'enjawulo. Abakyakaze banyumirwa nnyo omwenge, sigala, shisha n'ebintu ebilala ebiringa ebyo. Abasajja batera okunyumirwa omwenge okusinga abakazi. Engeri gy'etutambuzamu obulamu bwaffe yekosa obulamu bwaffe. Abakyakaze tebawuliriza kuwabulwa naye ggwe okola ky'osobola."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 1, Musajja, Kawolo**

*"Sikyangu buli omu okutunuulira sente n'omanya nti nfu. Omukugu aba alina okuzikebera n'amanya nti sente ntuufu. Kino kitegeeza ki? Okujjako nga wekebezza obulwadde bw'akafuba, sikyangu kumanya nti obulina. Twanguyirwa nnyo okugenda mu bulwaliro obutalina busobozi ku ndwadde eno, netubuuka amalwaliro amanene. Obulwaliro obutono butuwa panado na seputuliini. Kyokka nga eno endwadde ekula. Bw'olaba nga olina obubonero obwekuusa ku ndwadde y'akafuba, noonya eddwaliro eddene ofune obujjanjabi."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 6, Mukazi, Kawolo**



*"Ekifananyi kino nakikuba okulaga ebifo byetukoleramu n'okuwangaliramu nga twesemberera nnyo n'abalala. Akafuba kasasaana okuyita mu kussa (si kwekwata mu ngalo) omuntu bw'akolola nga tayambadde masiki. Bayinza obutamanya nti balina akafuba, okufuna obudde obugenda mu ddwaliro oba okusanga omuntu abagamba nti okukololera ebbanga eddene kyetagisa okwekebeza akafuba."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 5, Musajja, Kawolo**







*"Tulaba kifo w'ebazanyira bettingi. Bino ebifo byettanirwa nnyo era abasajja bakunganirawo mu bungi okulaba emipiira. Tuyimirira awo mu kwenyiga nga tetusobola wadde okutambuza ekigere, wabula nga tulinze ekiddako. Wano tewali mateeka. Amateeka wegali naye tegatekebwa bulungi mu nkola. Endwadde zisasaanira awo."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 6, Musajja, Naguru**



*"Guno mutwe gwa mbuzi ku ssigiri. Omukka oguvaamu gukosa obulamu bwaffe nga tumaze okuwona akafuba n'obwabaana baffe n'abantu b'etubeera nabo. Tulina obuzibu buno kubanga mulimu oli mwajja ensimbi ezimubeezawo kati tasobola kuguleka."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 7,**
**Mukazi, Naguru**





*"Nali ngenze kujjayo ssente ku banka. Twali abantu nga makumi ataano. Abamu baali bakolola. Twali tujudde nga tugabana omukka gw'egumu. Omuntu ayinza okufunirawo obulwadde nga tategedde wabujje."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 5,**
**Musajja, Kawolo**

*"Abantu abamu bafumbira ku nku mu mafumbiro agatalina bifulumya bulungi mukka. Tutera okukuma omuliro okukwata. Naye buli bwetukola kino, tuyingiza omukka ogutali mulungi ekivaamu okukolola n'okulumuzibwa omubiri. Bw'olaba omuntu nga afumbira mu ffumbiro nga lino, munnyonyole ekizibu ky'omukka. Nze ndowooza singa abantu baali bamanyi obulabe obuli mu mafumbiro nga gano tebandigazimbye."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 6, Mukazi, Kawolo**





*"Bw'oyokya keesi eno, omukka oguvaamu gw'abulabe. Nanyiiga n'entunulira omukyala eyali akikola nga muntu mukulu ssi mwana muto, n'enebuuza oba amanyi obulabe obuli mu bikolwa bye. Nkimanyi nti akantu konna oba omukka binkoseza ddala, kati sisobola kwokya bintu, naye bakikola olw'obutamanya."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 4, Mukazi, Naguru**

*"Guno mulyango gwa mukwano gwange. Amazzi agava mu mwala gakulukutirawo. Enkuba bwetonnya enyingi, amazzi gayingira mu nyumba n'egakosa obulamu bw'abantu abasulamu. Mukwano gwange byamusukakko. Alina omwana gwalabirira. Obwavu busobola okulemeza omuntu mu bifo nga bino. Abantu abaalwalako obulwadde bw'akafuba n'ebawona babeera mu mbeera nga eno."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 7, Mukazi, Naguru**





*"Enyumba eno esulamu abantu n'enkoko. Sikituufu omuntu okusula wamu n'ebinyonyi. Nze ndowooza ebinyonyi bino nabyo birina endwadde zabyo ez'enjawulo era bisobola okutulwaza. Kye kyankubya ekifananyi kino."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 4, Mukazi, Naguru**



*"Omuntu eyawona akafuba y'addamu n'akalwala. Abeera mu kayumba akatono ako era akafunda okutali maddirisa yadde obumooli. Abaana be baamulekawo olw'embeera gy'abeeramu. Singa ffe abamanyi akafuba era abakalwalako twegatta n'etwogera n'eddobozi limu, ne gavumenti neteekawo amateeka okuwanirira abantu ng'abano, kiyinza okuweweezako ku mbeera."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 1, Musajja, Kawolo**



*"Abakola oluguudo baasima ekinnya kino abantu webabeera, webaliira, webasula. Amazzi amakyaafu gayitawo era wawunya bubi. Tuyinza okufuna obulwadde okuva ku kinnya kino."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 2, Mukazi, Kawolo**

*"Emmere eno efumbibwa ssawa kkumi nga bukya, tebikibwako. Kyokka etundibwa okuva ku makya okutuuka ssawa mukaaga ogw'ekiro. Omuntu omu bwatabikka ku mmere yye, n'abalala batandika okukola ky'ekimu. Bali ku luguudo olukunganya n'okulegamya amazzi agajudde ebikyafu. Fumitirizamu amazzi ago okussamukkira mu mmere. Kikosa obulamu bwaffe."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 7, Mukazi, Naguru**






*"Omwami ono mulwadde era atera okutuula awo yekka. Abantu abamuyitako bamukwatirwa ekisa. Talina amuyambako ewaka, oba abantu abasobola okumukwatirako. Afuna obujjanjabi ku ddwaliro. Namukuutira okugondera amateeka g'abasawo gonna era n'emugamba nti ffena twakiyitamu, naye Katonda yatuyamba n'etuwona. Tulina abantu mu Kampala nga bali ku lwabwe. Obulwadde bukusanga tewetegese. Tebukuwa lunaku. Singa twaalina obujjanjabi okuviira ddala wansi kyandiyambyeko, naye musajja wattu baamuleeka yefeeko yekka."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 5, Musajja, Naguru**

*"Omukyala ono yali abeera n'emaama we n'ebaganda be nga tanalwala kafuba. Abantu b'awaka olwawulira nti bamukebedde nga alina obulwadde bw'akafuba, n'ebatandiika okumwewala. Baamufunira obumu ku buyumba obwo (kaabuyonjo) n'ebamusibira omwo. Yabeera ng'omwo nga takyalya nabo yadde okubeera nabo. Ab'okumuliraano bakimanyako n'ebakubira mutabani we essimu n'abagamba maama wange tagenda kubeera mu mbeera bwetyo. Yamuzimbira enyumba kubanga teyalina walala w'akumuteeka."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 1, Musajja, Naguru**






*"Abalwadde b'akafuba abamu babeera wala n'eddwaliro nga mukwano gwange abeera ku kizinga e Nalumuli. Kyali kimwetaagisa siringisi emitwalo essatu okutuuka ku ddwaliro awamu n'essente endala okugula eby'okulya n'ebyokunywa. Lwatalina ssente nga kitegeeza agenda kulemererwa okugenda ku lunaku olwamuweebwa. Lwatamize ddagala, ajja kufuna obukosefu kubanga obulwadde bwo tebuguminkiriza."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 1, Musajja, Kawolo**



*"Waliwo ekintu kimu ffena kyetumanyi ku nnyaanya. Emu bwevunda, esobola okwonona endala zonna. Ennyaanya nga tuzitadde ebbali, naffe abantu tuli bwetutyo. Tulabika nga buli omu ali ku lulwe, naye tulina ekitugatta. Oli bwaba alina obulwadde nga akafuba, ffena tusobola okumaliriza nga tulwadde. Yadde nga ennyaanya zino zifa oluvannyuma lwa wiiki emu, tusobola okuzikuuma nga nnamu bwe tuzitereka mu firiigi. Okufaanaganako n'abantu, bwetulwala tusobola okuwangala singa tufuna obujjanjabi, nga ennyaanya, bweterekebwa mu firiigi. Bw'oleekawo mukwano gwo omulwadde nga tafunye bujjanjabi, ajja kufa."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 3, Musajja, Naguru**

THE LIGHT CONSORTIUM

# FFE OKULWALA AKAFUBA MUKISA ERI ABO ABAAGALA OKUYIGA EBISINGAKO KU KKO

Abalwala akafuba n'ebawona, bonna bakirizza nti balina kyebayinza okukola mu kukomya obulwadde bw'akafuba. Kino okusoboka, abasajja bategeera nti balina okukomya okukweka obulwadde **n'okwejjamu okutya okusongebwamu** okusobola okufuuka banaggwano abasomesa n'abawerekerako abalala.

Abakazi n'abasajja bonna bawulira nga kibakakatako okusinziira ku kyebayitamu **okubudabuda** n'okubuulirira mikwano gyabwe, bannabwe n'abalwadde b'akafuba okweyisa mu ngeri etajja kukosa bulamu bwabwe. **Okubuulirirwa** n'ekigendererwa eky'okuyamba ebiseera ebisinga kwawulirwa era n'ekugobererwa, wadde sibuli kaseera.

Abakyala abalwala obulwadde bw'akafuba n'ebawona bakozesezza enkolagana zabwe nga ebibiina by'abakyala ate abasajja bakozesezza emirimu ne talanta zaabwe **okusomesa abalala** ku kafuba. Amakanisa gasiimibwa okukubiriza okwambala masiki n'okuba **ekifo abantu w'ebayinza okufuna obuyambi** n'okuwulira nga ba mugaso. Bangi bawuulira nga **obulango ku mitimbagano, okusomesebwa ku by'obulamu mu bifo eby'olukale n'emboozi y'abantu abalwala obulwadde bw'akafuba n'ebawona** by'amanyi, wabula tebyeyambisibbwa bulungi mu kubunyisa obubaka obukwata ku kafuba n'okukyusa eneeyisa. Abakazi n'abasajja abawerako baagamba nti balaba **abantu abalina ekifuba ekitawona** era n'ebababakubiriza okugenda ku ddwaliro, abamu oluusi n'ebababawa n'entambula.




*"Bwentunuulira ekifananyi kino kinzijukiza by'enayitamu. Natandika n'akukolola naye nga bwe bambuuza negaana. Tukuuma obulwadde bwaffe nga bw'akyama ate nga okwogera mangu kiviirako okufuna obuyambi obw'amangu. Bwogenda mu ddwaliro nga wakafuna obubonero, ojja kufuna mangu obuyambi. Abantu betaaga okusomesebwa kubanga tulinga omwana omuto ali mu tengerere. Tuyinza okugenda mu bitundu n'etukunganya abantu okusomesebwa. Tuyambiddwa tutya?"*

**Kawonawo w'akafuba Namba 3, Musajja, Kawolo**

*"Zino mottoka z'abwananyini. Ekigambo ekyankwatako kye ky'obwananyini. Zikyikiridde abantu abalwalako obulwadde bw'akafuba n'ebawona, buli omu n'obulamu bwe obw'ekyama. Tukyakuumye obulamu bwaffe nga bw'akyama kubanga tulina okutya era twebuuza oba okulwala akafuba musango. Abantu abalwala obulwadde bw'akafuba n'ebawona balina okugwaamu okutya okubalemesa okugenda mu maaso boogere. Tulina okumanya nti ffe okulwala akafuba mukisa eri abantu abandyagadde okuyiga ebisingako ku kko, era tubagambe nti akafuba kawona."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 3, Musajja, Naguru**





*"Ebiseera ebisinga tukozesa ebimuli okulaga omukwano. Okumira eddagala ly'akafuba kiyinza okuleetera okwekyawa. Abalwalako obulwadde bw'akafuba n'ebawona balina okulaga omukwano ssi bukambwe na kwekyawa, era bakole emikwano n'abalwadde okubakubiriza okumira eddagala. Buli bw'obakyaalira n'obabudaabuda, obaagazisa okumira eddagala era babeera n'essuubi nti bajja kuwona."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 6, Mukazi, Kawolo**



*"Nasanga mukwano gwange mu kafo gyenamaliranga ebiseera byange eby'eddembe naye nali newala okugendayo nga nfunye akafuba. Naye yasangibwa ng'alina akafuba, n'afuna obujjanjabi n'awona. Namujjukiza kyetwayitamu nga tukyalina akafuba era nga kisoboka okuba nti obulwadde twabufunira awo. Namusaba alowooze ku mukyala we n'abaana. Nga sinavaawo, y'ansaba muwerekereko ewaka. Kyali kiraga nti yali tayagala kuddayo munda mu kafo ako."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 1, Musajja, Naguru**

*"Nabuuza omwami ono oba amanyi nti asobola okufuna akafuba mu kufuweeta segereeti, n'ambuuza oba segereeti alimu akafuba. Namugamba nedda akafuba tebakateeka mu segereeti. Naye okumufuweeta nga eyalwalako akafuba kiyinza okunafuya amawuggwe go n'ekikuteeka mu katyabaga ko kuddamu okukalwala. Obuzibu butamanya naye singa abantu basomesebwa, bayinza okuyiga ekituufu."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 1, Musajja, Naguru**





*"Kino ky’ekirombe ky’amayinja gy’enafunira akafuba. Nagezaako okugamba bannange nti olufuufu oluva mu mayinja nga tugakuba luggwera mu mawuggwe. Nabagamba nzize kubalabula ku kiyinza okubatuukako nga nsinziira kunze kyenayitamu. Bagamba babatwalire abasawo bongere okubasomesa. Abantu abakola mu birombe by’amayinja balina emputtu. Ekintu nga obulwadde kimala kubatuukako n’ebalyoka bawuliriza.”*

**Kawonawo w'akafuba Namba 8, Mukazi, Naguru**



*"Abantu balina okusomesebwa nti endwadde ezisinga nga akafuba tuzijja mu bifo eby'olukale nga amasinzizo. Nga COVID tanajja, abantu baalowoozanga nti abayambalanga masiki baali balwadde b'akafuba era nga tebabasemberera. COVID bweyajja n'ebakifuula kyateeka nti abantu balina okwambala masiki n'ekiyambako obutasosolebwa. Bwemba njagaliza abalala obulamu, nsobola okwambala masiki nga ngenda mu katale ne kkanisa."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 1, Musajja, Kawolo**

"Sibuli buzibu nti bwa mwoyo. Ebimu byamubiri era nga byetagisa okulaba omusawo w'okuddwaliro. Nasiiba ennaku kinaana okutegeera kino, Katonda bweyandaga nti obulwadde bwange tebwali bwa mwoyo era nalina okulaba omusawo ku ddwaliro. Zino z'ensonga zetulina okubuulira abantu bategeere nti si buli buzibu nti bwa mwoyo era akafuba katta naye ate kawona. Nga emizindaalo gino, abantu abalwala obulwadde bw'akafuba bayinza okwogera eri abantu awatali kubikkirira."

**Kawonawo w'akafuba Namba 3, Musajja, Naguru**






"Nyambako okulongoosa ekkanisa engeri gye njagala ennyo eby'obuyonjo. Nga omu ku bayambako okuteekateeka abantu mu kkanisa, ntegeka w'ebanaabira engalo era n'enfaayo okulaba nga kabuyonjo n'entebbe bisigala biyonjo. Nzikiriza nti buvunanyizibwa bwange. Wadde nga sirina ssente kutambula n'akuyamba bantu, buno bwebuyambi bwensobola okuwa."

**Kawonawo w'akafuba Namba 4, Mukazi, Naguru**




*"Ndi omu ku bali mu kibiina ky'abakyala kino ekitereka ssente. Abamu ba memba bwebaali bakolola, n'embabuuza oba bamanyi obulwadde bw'akafuba. Baali bamanyi akafuba kakwaata balina kawuka kaleeta ssirimu bokka. Nabagamba ssirina kawuka kaleeta ssirimu naye n'alwala akafuba era kampisa bubi nnyo. Tebampakanya."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 4, Mukazi, Kawolo**

*"Negomba okukyalirako ku masomero nsomese ku baana ku bintu bya endwadde y'akafuba, n'engeri gyetusobola okukeewala. Ababeera bayize basobola okuyigiriza abalala."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 4, Mukazi, Kawolo**






*"Singa basobola okuteeka obulango bw'akafuba ku TV, abantu bayinza okutegeera nti kaabulabe nnyo era n'ebasobola okukewala. Kye kyankubya ekifananyi kino."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 2, Mukazi, Naguru**

*"Nebaaza Katonda kubanga yampa ekitone. Nyinza okuba nga eddobozi lyange siryeddungi ennyo naye nakozesa ebyuma bino n'enkola oluyimba ku kafuba. Lwafulumizibwa wakati wa 2022 ne 2023 mu kampeyini y'okusomesa abavubuka ku kafuba. Lwakubibwa n'ekubizindaalo by'okubyalo. Tekinologiya, kompyuta n'amassimu bisobola okukozesebwa okuyisawo obubaka."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 1, Musajja, Kawolo**







*"Omwami ono pasita era abuulira mu makanisa n’obutale. Namukubiriza okwekebeza olw’ekifuba kyeyalina ekitawona, era ebyava mu kukebera byalaga nti yalina akafuba.”*

**Kawonawo w'akafuba Namba 2, Mukazi, Kawolo**

*"Buvunanyizibwa bwange okulabula abantu ku buzibu obuli mu kafuba, okubakubiriza okugenda mu ddwaliro era n’okubawa obuyambi, nga entambula okusobola okufuna obujjanjabi mu budde.”*

**Kawonawo w'akafuba Namba 3, Musajja, Kawolo**




*"Ku ssomero gy'ensomesa eby'amazina n'okuzzanya katemba n'asalawo okwogera ku kafuba. Newuunya nnyo abaana okuba nga bamanyi kitono nnyo ku kafuba okugerageranya n'endwadde endala. Baalaga nti batidde era nebandaga munaabwe omu eyali akolola okuva taamu bweyatandika. Nasaba njogereko n'omwana era n'emuwa amagezi agende akeberebwe."*

**Kawonawo w'akafuba Namba 6, Musajja, Naguru**

# AMAGEZI B'AKAWONAWO B'AKAFUBA GEBAWA MU BIKOLEBWA N'OBUYAMBI

## B'AKAWONAWO B'AKAFUBA BY'EBAYINZA OKUKOLA

B'akawonawo b'akafuba belaaba nga bamugaso mu kulwanyisa okukomya akafuba era bateesezza ku byebayinza okukola ebiyinza okuleetawo enjawulo okusinziira ku byebayitamu:

**Okubeera eky'okulabirako eri abalala** - Okubeera eky'okulabirako nga bambala masiki, okukuuma obuyonjo n'okufuna obujjanjabi n'ebirala bingi.

**Okusomesa ku kyalo** - Okwogera ku mboozi ezibakwatako n'abalala okusobola okusomesa abantu ku kuziyiza, obujjanjabi n'okukendeeza ku busosoze bw'akafuba.

**Okuyamba ku kumanya amangu obulwadde** - Okulaba mangu obubonero mu balala, okubakubiriza okwekebeza n'okubayambako okufuna obujjanjabi.

**Okubudabuda bannabwe** - Okubudabuda n'okuyambako abali ku ddagala ly'akafuba mu bulamu bwabwe obw'abulijjo.

**Okukendeeza ku busosoze** - Okukozesa by'ebayitamu okulwanyisa endowooza ezitali ntuufu n'okuyimusa omutima ogulumirirwa n'essuubi.

**Okuyamba enteekateeka za gavumenti** - Okwetaba mu kampeyini z'akafuba, eby'obulamu ebikolebwa ku byalo n'okumanyisa abantu akafuba okuyita mu mitimabagano.

# OBUYAMBI OBUYINZA OKUWEBWA B'AKAWONAWO B'AKAFUBA OKUTUKIRIIZA OBULUNGI BY'EBAKOLA

B'akawonawo baakatiriza nti obwagazi tebumala- betaaga obuyambi okutekebwawo okuleeta enjawulo ey'olubeerera:

**Okumanya** - Okusomesebwa okugenda mu maaso ku nsasaanya y'akafuba, obujjanjabi n'okuziyiza akafuba okulaba nga obubaka obubulirwa abantu butuufu.

**Obukuggu** - Okuzimba obusobozi mu mpuliziganya, okubudabuda okupekereza abakulembeze, okusobola okukolaganira awamu n'abantu mu bitundi byabwe obulungi.

**Ebikozesebwa** - Okuwebwa ebintu nga ebipande, amasaati n'obupapula obuliko ebiwandiike okuyamba ebikolebwa ku byalo n'okuzimba obumanyifu.

**Ebibiina ebibagatta ab'engeri emu** - Ebibiina by'abakawonawo eby'amanyi okusobola okukwasaganya ebikolebwa, okubudabudibwa n'okuyigira awamu.

**Okuggatibwa mu nkola z'ebyobulamu** - Okusembezebwa ku mwanjo nga ab'omukago mu nteekateeka z'akafuba n'ebyebalina okukola ebiteketekeddwa obulungi n'emitendera egy'okugoberera nga basindika abantu ku ddwaliro.

**Obukuumi ku bijja bitalaze** - Okuziyiza b'akawonawo obutafulumya nsimbi eziyinza okubakosa ennyo, okubateekerawo enkola ezibawanirira mu mbeera y'abulijjo n'okubazimba okukugukka mu bintu ebimu.

**Enkulakulana y'ebyetagisa okuddukanya eggwanga** - Okulaba nga balina obusobozi obufuna aw'okusula awatuufu, amazzi, obuyonjo n'enkola ey'okufumba etali y'abulabe.



*Omwoleso gw'okunyumya emboozi okuyita mu bifaananyi e Lugazi mu mwezi gw'omukaaga 2025*

# OKUWUNZIKA

B’akawonawo b’akafuba bawa endowooza ez’amaanyi awamu n’okuzzamu amaanyi okusinziira ku lugendo lwabwe olw’obujjanjabi. Awali obuwagizi obutuufu, bayinza okukola omulimu oguleetawo enjawulo mu kuziyiza akafuba, obujjanjabi n’okukunga ab’ebyalo. Bekikakatako basabibwa okuteeka amanyi mu nkola z’obujjanjabi ezikulembeddwamu b’akawonawo, okugatta amaloboozi gabwe mu pulogulamu z’akafuba n’okubawa amaanyi ng aba nnantameggwa mukuleetawo enjawulo.

# OKUSIIMA

Abanonyereza batuusa okusiima kwabwe eri b'akawonawo b'akafuba abeetaba mu kunonyereza kuno. Tusiima okwewayo kwabwe, obudde, okwagala n'obutabikkirira nga bogeera ku ngeri akafuba gyekakosezzamu obulamu bwabwe n'essuubi ely'okuteekawo enteekateeka y'okulwanyisa akafuba esembeza ba b'akawonawo b'akafuba ku mwanjo.

Era twebaza n'eddwaliro lye Kawolo e Lugazi, eddwaliro lye Naguru e Kampala ne National Tuberculosis and Leprosy Program olw'obuyambi bwabwe n'okulungamya mu kunoonyereza kuno kwonna.

Abanoonyereza mulimu Dr Winceslaus Katagira, Milly Nattimba, ne Zahra Namuli (MLI), Rebecca Hamala (independent research consultant), Fred Ebil and Peninnah Areco (Fellowship of TB Survivors Uganda), Molly Kisakye (Kawolo General Hospital), Namuli Emilly (Naguru National Referral Hospital), ne Dr Beate Ringwald (LSTM) n'okuwanirirwa okw'ekikuggu okuva eri Dr Jasper Nidoi, Dr Winters Muttamba, ne Prof Bruce Kirenga (MLI).

THE **LIGHT** CONSORTIUM

## Okumanya ebisingako, bambi laba:

X: @LIGHTonTB

LinkedIn: The LIGHT Consortium

YouTube: @LIGHTonTB

https://light.lstmed.ac.uk

Ebiwandiiko bino bitereddwamu ssente aba UK Aid okuva mu gavumenti ya Bungereza wabula endowooza eziwereddwa z'abantu kinnomu era tezikikirira nkola ya gavumenti ya Bungereza ey'emirimu. LIGHT tevunanyizibwa ku nsobi oba ebiddirira okuva mu nkozesa y'obubaka obuli muno.

Obwanannyini bwa gavumenti ya Bungereza 2025, nga byakukozesebwa mu ngeri etali yakujjamu nsimbi.

Bokolaganye nabo:

AFIDEP African Institute for Development Policy · Malawi Liverpool Wellcome Programme · mli · ReSoK Respiratory Society of Kenya · Zankli Research Center · London School of Hygiene & Tropical Medicine · LSTM Liverpool School of Tropical Medicine

Ataddemu ensimbi:

UKaid from the British people